BUKEDDE NEWSPAPER

Posted by rambuka - 2008/10/07 00:59

Fellow members on connectuganda.com-----i will really want to know why Bukedde newspaper publishes such hearttouch pictures----which here in the west we are first adviced of the contents--because our dear youngsters----- bukedde is a member of newvision.neither monitor publishes such pictures-----what is this bukedde -----maybe Taifa empeya was better;) :angry: -------reply me.------iam not happy----------

==========

Re:BUKEDDE NEWSPAPER

Posted by JeenaJulia - 2008/10/07 09:29

Oli mutuffu okunyiga munaffe,bukedde yeyagenda wala mukukuba ebifananyi ebye ntissa.Kawala kange kambuza olumu bwekalaba nga newunaganya.."Mam är det varning,för stark bilder?"Ela okujako nga nze mugambye mbu jangu olabe awo nga amanya tekilina tabbu.

==========

Re:BUKEDDE NEWSPAPER

Posted by Balyokwabwe - 2008/10/12 13:40

Banange mwena muli batuffu okunyiga olwengeli Bukedde gyeyeyisamu mu Buganda. Nsasila abantu baffe nadala abaana abato abalaba ebifananyi bya Bukedde nebatya ebyabantu abatemedwako emitwe, omusayi etc.. atenga ebifananyi byonna bya BAGANDA !!
Ensi yaffe Buganda nga ekyali NSI tenagyamu baserwajja okwota waliwo empisa ezobuntubulamu nga oli tomala gakola bintu biwemula oba okwesisiwaza mu bantu.
Omuntu bweyawemulanga mu bantu nga bakuba enduulu abantu bwebawulinga enduulu nga abadukirizze bategezebwa nti wuno awemudde ! Oluvanyuma omuntu ono yatwalibwanga mubo buyinza navunanibwa omusango era yawebwanga ekibonerezo olusi nokusibwa mu komera !
Oluvanyuma lwa gavumenti ekulemberwa abattusi okujja mubuyinza kyebasoka okola kwekulwanyisa BUGANDA nga bagezako okujjawo empisa za BAGANDA, okufutyanga enono zaffe, Obwakabaka bwaffe, nokukuza ebyaba Sserwajja okwota era Bukedde akozze omulimu munenenyo okutukiriza plans za BATTUSI.
Empapula ezaliwo ezo luganda zagalwawo ne balekawo Bukedde afutyanka empisa nenono za BUGANDA.
Mujjukira nti Bukedde lulina lunalwo olwolungereza oluyitibwa New Vision era kati oluyitibwa olwa Gavumenti ekulemberwa ABATTUSI mu Uganda.
Olupapula lwa New Vision lwatandikibwawo omusajja ayitibwa Wiliiam Pike omungereza eyadda mu kifo kya Bob Astles okuva mu M16 ekitongole ekikesi ekya Bungereza mu Uganda. Omusajja ono yajja nga reporter mulutalo olwaleeta ABATTUSI mubuyinza .
Nolwekyo Bukedde lupapula lwa M16 mu Luganda mu Uganda nga Museveni ye Kaboona wa Kavuyo kabanyunyunsi mu Uganda ne Great Lakes Region yonna.
Bwotunurina Bukedde byawandika biba kusasamaza, kutyobola, kudyekakadyeka ,kukanga BAGANDA mpozi nokuba eddobozi nendowoza ya Gavumenti
yabattusi abamamidde Buganda no Kugulumiza Bungereza byeba egambye naddala kuttaka nobwa Kabaka bwa BUGANDA.
Abaganda tetulina lupapula lwa Mawulire mwetuyinza kwogelera ebitukwatako nga abaganda naddala ebituluma ebitukwatko ebyobwebange nga ettaka , obwakabaka bwaffe, abantu baffe etc....
Ate Abantu baffe abasinga bwebalaba Bukedde nga luli muluganda balowoza nti lupapula lwaffe songa Bukedde lupapula luli ANTI - BAGANDA.
Ekimu kubigendererwa bya BUKEDDE kusanyawo BUGANDA !!!!!!!!!!!!!!!!!!

==========

Re:BUKEDDE NEWSPAPER

Posted by Alysha - 2008/10/13 00:08

Rambuka thats why I always go for the weekly observer, but I would rather take in Bukedde than Red Pepper.
Do not get annoyed just forgive them.rambuka wrote:
Fellow members on connectuganda.com-----i will really want to know why Bukedde newspaper publishes such hearttouch pictures----which here in the west we are first adviced of the contents--because our dear youngsters----- bukedde is a member of newvision.neither monitor publishes such pictures-----what is this bukedde -----maybe Taifa empeya was better;) :angry: -------reply me.------iam not happy----------

==========

Re:BUKEDDE NEWSPAPER

Posted by JeenaJulia - 2008/10/17 09:27

Beesomba kulaba eyazadde ‘Ttimba’

OMUSAJJA kata atte mukazi we ng’amulanga kye yayise okumukuba ebisiraani oluvannyuma lw’omukazi okuzaala nga kigambibwa nti yazadde balongo nga kuliko omwana ne ttimba.

Godfrey Walonze ow’e Nansana yaleese loole ttipa gy’avuga n’agitome-za enju ng’ayagala okuttiramu mukazi we Rachael Nalukwago 29. Oluvannyuma yakkakka-nye ku bintu by’omu nju n’abyonoona.

Kyokka abantu abangi abaabadde bakung’aanye okulaba ttimba, baaziyizza omwami okutuusa obulabe ku Nnaalongo nga bagamba nti omukazi okuzaala ttimba kitegeeza mikisa era obugagga bumaze okusembera e Nansana.

Wadde abantu balumiriza bwe baalabye ku ttimba, kyokka Bukedde ekiseera kya yamaze mu maka gano e Nansana West 11 Zooni teyalabye ku ttimba okuggyako omwana omuwere n’ekibbo bakira abantu mwe bassa ssente n’amagi agagambibwa nti ttimba g’alya.

Nnyinimu bwe yamaze okwonoona ebintu by’awaka n’okukoona enju n’adduka era poliisi emunoonya.

Oluvannyuma Nnaalongo baamututte ewa nnyina Ruth Ndagire e Namung’oona Zooni One. Bukedde we yatuukiddeyo eggulo ng’abantu bajjudde mu ddiiro n’abalala bakwatiridde ebweru balinda kulaba ttimba.

Kyokka na wano aba Bukedde ttimba tebaamulabye. “Omulongo (ttimba) musanze amaze okuyonka n’okumuwa ebyokulya (amagi) kati awummuddeko”, Muky. Ndagire bwe yategeezezza.

Nnaalongo agamba nti, yazaalidde mu ddwaaliro lya KCC e Kawaala-Kasubi. Yasoose kuzaala mwana muwala (Babirye) n’addako ttimba era abasawo baamumuteeredde mu kibokisi mwe yamutwalidde.

Dr. Richard Walyomu atwala eddwaaliro ly’e Kawaala yategeezezza nga Nalukwago bwe yajja mu ddwaaliro ku Ssande ng’ebisa bimuluma.” Yazadde ku ssaawa 5:45 ez’oku makya era omwana we yazitoye kkiro nnya.

Yabadde omu nga si balongo. Twamusiibudde n’agenda n’omwana we,” Walyomu bwe yategeezezza.

Yagambye nti, Nalukwago yazzeeyo mu ddwaaliro ku Lwokusatu ng’abanja omwana we omulala ng’alumiriza nti yabadde azadde balongo.

Wadde abasawo b’ekinnansi bakkiriza nti omuntu asobola okuzaala ttimba oba engo, kino abasawo b’Ekizungu bakiwakanya gattako ne bannasayansi abagamba nti obutonde bw’omuntu tebumusobozesa kuzaala ttimba okuggyako asobola okuzaala ekikulekule nga kigwa mu kiti ky’omuntu.
Kiyinzika okuba nga Nnaalongo eby’okuzaala ttimba ‘kiwaani’.

OMUKOOKI KATI NTEGEDDE TOLIMBA EBINTU BIBELAYO DALA.GYO NABADDE NDOWOZA OTUSIBA KYA BOBI WINE.

==========

Re:BUKEDDE NEWSPAPER

Posted by Balyokwabwe - 2008/10/27 09:38

‘Mmengo ekomye ejjoogo’

Bya Angel Lubowa ne Martin Ndijjo / BUKEDDE

MINISITA wa gavumenti ez’ebitundu Maj. Gen. Kahinda Otafiire alabu-dde Mmengo nti gavumenti tegenda kugumiikiriza nteekateeka yaa-yo ey’okulumba amasa-za agalimu abantu ab’amawanga amalala.

Agambye nti “Tetujja kukkiriza Mmengo kwawulayawula mu bantu ng’ewatali matteeka.Tujja kukozesa amatteeka nga

Gavumenti tubakoleko kubanga ebimu ku bye bamala googera biyinza okuvaamu akabi.”

Mmengo okutegeka omusomo ku Bulange ku Lwomukaaga okukubaganya ebirowoozo ku kya Gavumenti eya wakati okugaana Kabaka okugenda e Buluuli gye buvuddeko n’ebyafaayo by’Amassaza ga Buganda n’engeri y’okugakuumamu.

Mu musomo guno Abaganda bakira aboogeza obusungu baategeezezza nti bakooye gavumenti okubanyigiriza n’okuyingirira ensonga ze bagamba nti zandibadde za Mmengo era ne bawera okukuuma ebitundu bya Buganda byonna ewatali kutiisibwatiisibwa.

Bino obwedda ebiweerezebwa obutereevu ku leediyo ya CBS Otafiire bakira abiwulira ku leediyo ya mmotoka ye era naye olwasituse okwogera n’atandikirawo okubalumba n’abalala abazze basinziira ku bimeeza okwogera ebikankana.

Katikkiro wa Buganda J.B Walusimbi yategeezezza ng’aguggulawo nti ensonga za Buluuli Gavumenti eteekwa okuzivaako kubanga za buwangwa era Mmengo emanyi engeri y’okuzikwatamu. Yatongozza ne maapu ya Buganda empya ng’eno abantu bwe bawera bwe bagenda okukuuma ensalo za Buganda.

Otafiire eyabadde atunuza obukambwe yagambye nti gavumenti tejja kugumiikiriza bakungu b’e Mmengo abakuma omuliro mu bantu okulumba Amasaza agalimu be yayise abafuzi b’ensikirano be bakkiririzaamu mu bitundu ebyo okuli Ssaabaluuli ne Ssaabanyala.

Yalumbye bannabyabufuzi be yagambye abeekwese e Mmengo abakozesa CBS oku-temaatema mu bantu n’okusiga obukyayi bw’amawanga.

“Mmengo erina abateekeddwa okugyogerera ate ne mu Buganda muvaamu abakiise mu palamenti abateekeddwa okuteesa ku nsonga nga zino bwe kiba kyetaagisa so ssi buli muntu ayagala n’avaayo n’atandika kusamwassamwa na bigambo by’atateegera ng’ono gwe mpulidde ku leedi-yo emu ng’akunga Abaganda bakuume ensalo za Bganada.” Otafiire bwe yagambye.

Yabadde Butabika ng’akwa-sa abasawo n’abayizi ku ddwaaliro lino 150 amabaluwa g’okumaliriza omusomo gwa chakamchaka era bano yabakuutidde okulwanyisa obusososze mu mawanga.

Otafiire yagambye nti ye talabawo buzibu bwonna wakati wa gavumenti eya wakati ne Mmengo okuggyako abantu abagenda bagyogerako n’ekigendererwa ky’okusiga obukyayi n’agattako nti ‘yiko wantu wajinga’ ekitegeeza nti abo bantu basirusiri abatabula Mmengo ne gavumenti.

Otafiire ng’ali e Mityana omwaka oguwedde yagamba nti e Mmengo teri gavumenti wabula kiringa kibiina kya bwannakyewa.

==========

Re:BUKEDDE NEWSPAPER

Posted by Balyokwabwe - 2008/11/16 14:32

_____

With BUKEDDE all BAGANDA are a hunt !
Check this out :-

Nalaba omugagga w’omu Kampala ng’asaddaaka omwana’

Omuzimbi : Nalaba nga baziika omwana omulamu.

OMUZIMBI w’omu Kampala alojja lwe yalaba mukama we, omugagga ow’amaanyi ayogerwako ng’aleese omwana n’amuyimiriza mu kinnya ekyali kisimiddwa mu kalina eyali ezimbibwa mu kibuga wakati (kati yaggwa era ekola kinnawadda) n’amuyiwako enkokoto n’amuziika nga mulamu.

Amannya g’omuzimbi gasirikiddwa kubanga atya omugagga okugezaako okumusirisa. Yabitegeezezza omusasi waffe bwati:

Olunaku lwali Lwakutaano ku ssaawa nga musanvu ogw’ekiro mu September omwaka 2006, ne ndaba ekintu ekitagenda kunva ku mutima. Nali mpulira ekigambo kusaddaaka baana nga mmanyi boogera bya kutiisa naye kwolwo nakiraba n’amaaso gange.

Mukama waffe eyali atukulira mu kuzimba ekizimbe kino ekya kalina yalagira abamu ku bannaffe emisana ne basima ekinnya ku emu ku mpagi z’ekizimbe kino munda nti waliwo bye bagenda kusimbamu.

Baakisima kyokka obudde bwawungeera nga tewali kiteekeddwaamu. Nga bwe yali enkola, nga tuzimba emisana n'ekiro era abamu baasigalangawo ne bakola n'ekiro.

Ku lunaku olwo twasigalawo abantu nga 25 naye nga ssaawa ziwera nga ttaano ez'ekiro eyali atukulira n'agamba abaali ku mwaliiro ogusooka nti bagende tujja kukola enkeera.

Ffe abasatu abaali waggulu ku mwaliiro ogwokusatu tetwabimanya ate kirabika nabo tebaamanya nti waliwo abaali basigadde waggulu.

Twali twenyumiririza nnyo mu kukola ku kizimbe kino kubanga nnyinikyo musajja mugagga ate omusasuzi. Kale nga bwe batugamba okunnyuka ne tutakola kituyisa bubi.

Ku ssaawa nga musanvu ez'ekiro nayagala okukka wansi ngule ku caayi kubanga empewo waggulu eyo yali esusse, naye ng'enda okutuuka ku mwaliiro ogwokubiri nga wasirifu.

Nga ntuuka bwenti ku madaala agakka ku mwaliiro ogusooka ng'enda okulaba wansi nga nnannyini kizimbe ayimiridde ku mmotoka eya buyonjo ey'ekika kya Corona, ng'amagamaga.

Ng'enda okulaba nga mu mmotoka eyo muvaamu abasajja ab'ekiwago babiri nga bali mu bujoozi buddugavu.

Bwe baafuluma baasooka kuyimirira wabweru okumala eddakiika nga kkumi, oluvannyuma baayambuka ku mwaliiro ogusooka nga bwe bamaga okulaba oba waliwo abaliyo era ekimu ku bye nawulira nga boogera nti baffala bonna bagenze tuddeyo tutere tukole ogutuleese.

Ekiseera ekyo nali nneefunyidde mu kasonda awaali akatuumu k'omusenyu nga ntya okundaba.

Nga basse wansi nanuula ensingo ne ntandika okulengera ekigenda mu maaso, ng'enda okulaba ng'omugagga nannyini kizimbe ayita ekyana ekiwala ekito ekyali mu mmotoka ne kifuluma.

Baali bakyambazza akateeteeyi keeru nga bakisibye enviiri nga kikutte ddole omunene. Nasooka kulowooza nti omugagga yatambudde n'omwana we.

Baayingira munda wali awaali waasimiddwa ekinnya emisana , era ng'enda okulaba ng'omu ku basajja bali ababiri ng'asena omusenyu n'amayinja n'atabula enkokoto. Nga byonna abimaze yayita munne asembere kubanga yali asigadde ku mulyango.

Nalaba omugagga ng'akutte omwana ono omuwala omuto eyali ow'emyaka nga 7 ku mukono, n'amukwasa erimu ku gasajja gali abiri ne limussa mu kinnya ng'ayimiridde.

Eyali akutte ekitiiyo yatandika okusena enkokoto nga bw'ayiwa mu kinnya ekyali kiteekeddwamu omwana.

Nzijukira ekyana kyakaabamu emirundi nga esatu egy'omwanguka.

Omwana baamuziika mulamu era ng'ayimiridde era nkakasa n'okutuusa kati nti amagumba ge mu kizimbe ekyo gakyalimu kubanga baaseetezaawo bulungi.

Ng'enkokoto ebuutikidde omwana, omugaga yaggyayo endeku eyalimu ebintu.

Erimu ku gasajja gali lyagenda mu mmotoka ne liggyayo ejjembe ly'ente, ng'enda okulaba nga bonsatule buli omu aliwunyamu oluvannyuma ne batambula mukungujjo okutuuka ku mmotoka ne balinnya ne bagenda.

Omugagga ono tatera kutambulira mu mmotoka ntono kubanga alina ennene ez'ebbeeyi ziri ssatu ze twali tumanyi kyokka ku lunaku olwo ekiro yajjira mu ntono.

Wakati mu ntiisa naddayo waggulu ne ntegeeza bannange ababiri abaali basigadde waggulu. Twasalawo tuddeyo tulabe we baaziise omwana.

Twakka wansi ne mbatwalawo naye buli omu kwe yakomya amaaso entiisa n'etugwira anti n'awo wansi waaliwo amatondo g'omusaayi ndowooza gaali gavudde mu ndeku eri omugagga ne banne gye baggyayo nga tebannaleeta jjembe.

Ffensatule ne bannange bwe twalaba ekintu kino tekuli yaddamu kulinnya kigere kye ku kizimbe ekyo omulimu ne tuguvaako. N'okutuusa kati ekizimbe ekyo nkitya okukiyingiramu wadde okukyesembereza. Ekizimbe kino kati akeedi era okusinga kitunda ngoye naddala ez'abaana.

Published on: Saturday, 15th November, 2008

==========

Re:BUKEDDE NEWSPAPER

Posted by Balyokwabwe - 2008/11/25 20:51

_____

Banange BUKEDDE tumukoleleki ?! Ndowoza nti waliwo kampeyini Ku BAGANDA okutumalamu amanyi nokutukyayisa ensi yaffe BUGANDA !
Gavumenti ya Battusi yesibye biri okutwala etakka olupapula lwayo buli kisera nga lukuba ebifananyi ebitisa era ebyesisiwaza !
Isn't this a phsiochological war against BUGANDA ? !!
Check this out :-

http://www.bukedde.co.ug/

==========